AMATEEKA AGAFUGA
EDDAGALA
LY'EKINNANSI
MU
UGANDA

EBIRIMU

EBIGAMBO EBIFUNZIDDWA 5

ESSUULA ESOOKA: ENNYANJULA N'EBYAFAAYO..... 6

1.1. EBYAFAAYO 6

1.2. EBIZIBU N'OKUSOOMOOZEBWA.....7

1.3. ENKOLA EGOBERERWA.....7

1.4. EBIGENDERERWA.....8

1.5 EBIKA BY'EDDAGALA LY'EKINNANSI.....8

1.5.1 Ekika 1: Eddagala ly'awaka..... 8

1.5.2 Ekika 2: Eddagala ly'oku kyalo..... 9

1.5.3 Ekika 3: Eddagala ly'ekinnansi 9

1.5.3.1 Ekika 3A: Erinoonyerezeddwaako nga Litabuddwa mu nkola ezitali za kikugu..... 9

1.5.3.2 Ekika 3B: Erinoonyerezeddwaako nga Lirongooseddwaamu mu ngeri ey'ekikugu..... 9

1.5.4. EKIKA 4: Eddagala ly'ekinnansi eriyingiziddwa okuva ebweru..... 10

ESSUULA EYOOKUBIRI: AMATEEKA KU NTABULA Y'EDDAGALA LY'EKINNANSI.... 11

2.1. ENNYANJULA EY'AWAMU.....11

2.2. OKULIMA N'OKUNOGA EBIMERA OKUVA EDDAGALA..... 11

2.3. OBUYONJO.....11

2.4. EKIFO AWATABULIRWA EDDAGALA.....12

2.4.1. Ekifo ekitongole awatabulirwa..... 12

2.4.2. Ebifo ebirala..... 13

2.4.3. Awaterekebwa eddagala n'ebikozesebwa..... 14

2.4.4. We bapimira eddagala (wayinza okuba awaterekebwa oba we balitabulira oba we balitikkira).....15

2.4.5. Awatabulirwa eddagala..... 15

2.4.6. Ekifo awakebererwa omutindo..... 16

2.5. EBIKOZESEBWA MU KUTABULA EDDAGALA.....17

2.6. EBIKOZESEBWA.....17

2.7. EBIWANDIIKIBWA KU DDAGALA.....17

2.7.1. Ebigobererwa mu kuwandiika ku ddagala eritannatabulwa, mu kutabula n'eddagala ly'ekinnansi eriba liwedde okutabulwa..... 18

2.7.1.1. Ebipimo (ddoozi) n'omutindo ogwetaagibwa..... 19

2.7.2. Eddagala ly'ekinnansi eriwedde okutabulwa ne bye lijjanjaba..... 20

2.7.3. Ebifuga entabula y'eddagala ly'ekinnansi..... 21
2.7.4. Emitendera egiyitibwamu okukola eddagala..... 21
2.8. ABAKOLA EDDAGALA 21
2.9. EBISAANYIZO N'ENGERI GYE BAKAKASIBWAMU.....21
2.10. OKWEMULUGUNYA.....22
2.11. OKUSAZAAMU EDDAGALA.....22
2.12. OLUKUSA GYE LUFUNIBWAMU N'EBIRINA OKUGOBERERWA.....22
2.13. OKWEKEBERA OKUKAKASA OMUTINDO.....22
2.14. OKUTENDEKA ABAKOLA N'ABATUNDA EDDAGALA LY'EKINNANSI.....22
2.15. EBIGOBERERWA MU KUKEBERA OMUTINDO GW'EDDAGALA.....22
2.15.1. Ebigobererwa eby'awamu..... 22
2.15.2. Ekifo awakolerwa..... 23
2.15.3. Abakebera omutindo..... 23
2.15.4 Ebikozesebwa..... 23
2.16. Ebiwandiiko ebigobererwa.....22
2.17. Emitendera egiyitibwamu.....23
2.17.1. Okulonda mu bikeberwa ('sampolo')..... 23
2.17.2. OKUKEBERA N'OKWEKENNEENYA..... 23
ESSUULA EYOOKUSATU: EBISAANYIZO EBISOOKERWAKO MU KUWANDIISA EDDAGALA LY'EKINNANSI OKUSOBOLA OKUKKIRIZIBWA KU KATALE 25
3.1.1 EBIWANDIIKIBWA KU DDAGALA.....25
3.1.2 Ekiwandiiko ekirimu ebikwata ku ddagala ebijjuvu.....25
3.1.3 Erinnya ly'eddagala mu Lulatini.....25
3.1.4. Engeri eddagala gye lirina okukuumibwa ne bye lisobola okujjanjaba.....25
3.1.5 Akapapula akassibwa ku ddagala kalina okubaako bino..... 25
3.2 By'olina okumanya eyetaagisa ku bintu ebyeyambisibwa mu kutabula/kukola eddagala ly'ekinnansi.....28
3.2.2 Eddagala eriwedde okutabulwa..... 28
ESSUULA EYOOKUNA: OKUGABA OLUKUSA..... 30
4.1. OKUGABA OLUKUSA LW'EBIFO AWATABULIRWA/AWAKOLERWA EDDAGALA LY'EKINNANSI. 30
4.2. OKUGABA OLUKUSA OLW'EBIFO AWATUNDIRWA EDDAGALA LY'EKINNANSI..... 30
4.3. EBIFO. 30
4.3.1. Sitoowa (awaterekebwa eddagala)..... 31

4.3.2. Emikebe omupakirwa eddagala..... 31
4.4. OKUTEREKA EBIWANDIIKO.....31
4.5. ABANTU ABAVUNAANYIZIBWA.....31
4.6. EDDAGALA LY'EKINNANSI.....31

ESSUULA EYOOKUTAANO: OKUTAMBUZA N'OKULANGA EDDAGALA LY'EKINNANSI 32
5.2. OKUSABA OLUKUSA OKUKKIRIZIBWA OKULANGA EDDAGALA LY'EKINNANSI.....32
5.3. OKUSUNSULAMU ASAANIDDE.....35
5.4. OKUWAAYO 'SAMPOLO'.....35
5.5. OBULANGO BW'OKU LEEDIYO NE TTIVVI.....35
5.6. OKULANGA EBIRANGO EBIRAMBULUDDWA MU MPAPULA 36
5.7. EBIKOZESEBWA MU KUTAMBUZA EDDAGALA.....36
5.8. EMYOLESO/EMISOMO/N'EMIKOLO GY'OKUTONGOZA EDDAGALA LY'EKINNANSI.....37
5.8.1. Eddagala ly'ekinnansi erirangibwa lirina okuba ne bino:..... 37
5.8.2. Obubaka mu kalango bulina okuba bwe buti:..... 37
5.8.3 Ebyeyambisibwa mu kutambuza eddagala/Akalango eri abatunda eddagala/ abasawo b'ebyobulamu abalala..... 37
5.8.4 Ebikozesebwa okutambuza eddagala eri abantu bonna..... 37
5.8.5 Okukkiriza obulango bw'eddagala ly'ekinnansi..... 37
OKUNNYONNYOLA AMAKULU G'EBIGAMBO NGA BWE BIKOZESEDDWA..... 37

EBIGAMBO EBIFUNZIDDWA

NDA : National Drug Authority

ADR : Adverse Drug Reaction

SOP : Standard Operating Procedure

WHO : World Health Organization

BMR : Batch Manufacturing Records

GACP : Good Agricultural and Collection Practices

SOP : Standard Operating Procedure

PM : Promotional Material

ESSUULA ESOOKA: ENNYANJULA N'EBISOOKA

Ekiruubirirwa ekikulu eky'ekitongole ky'ebyeddagala mu ggwanga ekya National Drug Authority kwe kukakasa nti mu Uganda mubaamu eddagala ly'abantu n'ery'ebisolo nga ly'eryo lyokka eriri ku mutindo omulungi, eritali lya bulabe era eririna obusobozi okujjanjaba obulungi. Ekitongole era kiruubirira okulaba ng'edddagala lino lifunika bulungi, liri ku bbeeyi ensaamusaamu ate nga likozesebwa bulungi. Awo nno, amateeka gano kye gavudde gakolebwa okuluŋŋamya ensonga eziwerako ezikwata ku mutindo gw'eddagala ly'ekinnansi (herbal) erikyase ensangi zino.

Amateeka gano ag'okugoberera gagenda kusinga kuluŋŋamya entabula, okuwandiisa n'okutunda eddagala ly'ekinnansi. Enzijanjaba y'eddagala ly'ekinnansi efugibwa wansi w'ebibiina omwegattira abasawo b'ekinnansi mu ggwanga. N'olwekyo, kisuubirwa nti oluvannyuma lw'okussaawo amateeka agagobererwa mu by'eddagala ly'ekinnansi, ebibiina omwegattira abasawo b'ekinnansi ebiriwo mu ggwanga, bijja kwegattira mu kibiina kimu ekinene ekibafuga nga bwe kiri ku bakugu mu biti ebirala abalina ebibiina eby'awamu ebibatwala mu ggwanga lyonna. Ekitongole ky'ebyeddagala ekya National Drug Authority kijja kukolaganira wamu ne Minisitule y'Ebyobulamu mu kubangawo enkola egobererwa ku Ddagala ly'Ekinnansi.

1.1. EBYAFAAYO

Akakiiko k'ebyekikugu akeebuuzibwako ku ddagala ly'ekinnansi kaawandiika lipooti mu September 1997, ne kalambika enkola y'ebiragiro ebifuga eddagala ly'ekinnansi mu Uganda. Lipoota eno yakysibwa mu nnimi ttaano (5) ennansi era y'ebadde ekyagobererwa. Lipoota yasinziirwako abakozi ba NDA okusomesa/okunnyonnyola abantu mu disitulikiti ezisinga mu Uganda mu bbanga eriri w'akati w'omwaka 2005-2008. Wadde yali ya mugaso mu biseera ebyo, bingi ebibadde bigibulamu, awo nno nga kyetaagisa okukola amateeka amaggya agalongooseddwaamu. Eggwandiikiro lya National Drug Authority, n'obuyambi okuva mu kitongole ky'ensi yonna eky'Eyobulamu (WHO), kyategeka emisomo emirala mu ggwanga wakati wa 2005 ne 2007 ng'essira lissiddwa ku bisaanyizo ebyetaagisibwa eby'eddagala ly'ekinnansi. Mu misomo gino, okwebuuza kungi kwakolebwa okuva ku bakwatibwako ab'enjawulo era ebyakuŋŋaanyizibwa bye byeyambisiddwa mu kukola amateeka gano aganaagobererwa.

1.2. EBIZIBU/OKUSOOMOOZEBWA

1. Olw'okuba abantu bangi mu Uganda tebaagendako mu ssomero, abasawo b'eddagala ly'ekinnansi bangi tebasobola kusoma oba okuwandiika, ekibazibuwaliza okukola ebiwandiiko ebisaba olukusa n'okubiwaayo mu NDA.
2. Waliwo okuwubisibwa kungi mu basawo b'eddagala ly'ekinnansi nti ebiwandiiko ebibasabibwa ekitongole kya NDA bigendererwamu kubabbako magezi gaabwe n'obukugu mu by'eddagala ly'ekinnansi, era bwe batyo babaddenga bagaana okubiwaayo.
3. Ebbula ly'ensimbi ezeetaagibwa okutuukiriza ebisaanyizo ebisookerwako okusobola okukakasibwa ekitongole kya NDA.
4. Okulanga eddagala ly'ekinnansi okutagoberera mateeka okubunye eggwanga lyonna.
5. Emize egiwera omuli n'okusaddaaka abantu, okujingirira eddagala nga batabiseemu eddagala ezzungu, practices not limited to but including sacrifices of human beings, adulteration of products with western medicines, okutembeeya eddagala eritakola (ery'ekicupuli), okwemulugunya ku ddagala okutaliimu nsa n'ebirala.
6. Okukola/okutabula n'okutunda eddagala mu ngeri eteri nnuŋŋamu era enkyamu.
7. Obutabaawo kibiina ky'awamu ekifuga abasawo abajjanjabisa eddagala ly'ekinnansi kyokka nga waliwo ebibiina bingi ebirina n'ebigendererwa ebyawukana. Kino kiwadde NDA obuzibu okusalawo eky'essimba ku nsonga nnyingi esiriko kalumanywera n'okukubagana empawa.
8. Obutabaawo kibiina kitongozeddwa okukakasa abantu abalina okutabula eddagala ly'ekinnansi mu bifo gye balikolera n'abakola mu bifo eddagala ly'ekinnansi gye litundirwa.
9. Abasawo b'eddagala ly'ekinnansi obutakkaanya ku nsonga y'amateeka agabafuga.
10. Abantu n'ebyeyambisibwa ebitamala mu kwekenneenya ebiwandiiko by'abasawo b'eddagala ly'ekinnansi ababeera basabye olukusa.
11. Okukuba omulanga n'okulwana ku nsonga zino kubadde kukugirwa nnyo olw'ebintu bingi abakwatibwako ensonga bye batamanyi.

1.3. EBBAGO

Etteeka ku by'Eddagala mu ssuula eya 206 mu Ssemateeka wa Uganda, liwa ekitongole kya NDA obuyinza okuluŋŋamya entabula, okuwandiisa mu butongole n'okutunda eddagala ly'ekinnansi. Etteeka era liwa ekitongole kino obuyinza okuluŋŋamya entambuza/okulanga eddagala ly'ekinnansi. Ekitongole kya National Drug Authority kikwatibwako ku bya ddagala n'obubaka mu kalango byokka sso si misoso mirala egy'okulanga n'okulejjesa eddagala.

1.4. EBIGENDERERWA.

Amateeka gano gakoleddwa okuluŋŋamya abo abaagala okusaba okukkirizibwa okutabula n'okutunda eddagala ly'ekinnansi okusobozesa okulondoola eddagala okulaba oba si lya bulabe era oba likola bulungi. Muno mwe muli;-

- Okuluŋŋamya abatabuzi b'eddagala ku bisaanyizo ebisookerwako bye balina okubeera nabyo bwe baba ba kukola ddagala lya kinnansi;
- Okuluŋŋamya abaagala olukusa ku bye balina okukola bwe baba ba kuwandiisa ddagala lyabwe ery'ekinnansi;
- Okuluŋŋamya ku layisinsi/olukusa omuntu lw'alina okuba nalwo okukkirizibwa okutunda eddagala ly'ekinnansi;
- Okussaawo emitendera egigobererwa mu kulondoola omutindo;
- Okuluŋŋamya ku ngeri eddagala ly'ekinnansi gye lirina okulangibwa.
- Okukolagana n'ebitongole ebirala okulaba ng'enkola ennungi zigobererwa mu byobulimi n'obulunzi.

Abaagala olukusa baweebwa amagezi okusoma amateeka gano n'obwegendereza bategeere ennyingo ezirimu nga tebannalowooza ku kya kutgenda eri National Drug Authority ku nsonga ezeekuusa ku nnuŋŋamya y'ebyeddagala ly'ekinnansi.

1.5 EBIKA BY'EDDAGALA LY'EKINNANSI

1.5.1 Ekika 1: Eddagala ly'awaka

Eddagala erigwa mu kiti kino likolebwa/litabulwa ab'ekinnansi oba abantu awaka okujjanjaba omulwadde ssekinnoomu. Lino linnyonnyolwa bweriti:

(i) Liyengebwa/litaulirwawo awatali kusooka kwetegeka nnyo wabula okusinziira ku bwetaavu obuliwo ku budde obwo mu ngeri ezaabulijjo ezitaliimu kusooka kusoma.

(ii) Obwesige bwalyo okuwonya bubeera bugezeseddwa okumala ebbanga eriwerako (waakiri okusukka mu myaka nga kkumi).

(iii) Eddagala ery'ekika kino terifugibwa wadde okulondoolwa ekitongole ky'eggwanga eky'ebyeddagala. **Wabula abasawo abajjanjabisa eddagala ly'ekinnansi balina okusooka okukakasibwa mu mulimu gwabwe** okuva eri aboobuyinza mu kitundu oba ekitongole ekikola ku nsonga zino eyo gye basangibwa.

(iv) Likozesebwa kyere mu bantu baabulijjo.

(v) Ssinga eddagala mu kiti kino lireetebwa ku katale (okutundibwa), liteekeddwa okutuukiriza ebisaanyizo ebyetaagisa ebigobererwa mu kukkiriza eddagala lyonna ery'ekinnansi.**

1.5.2 Ekika 2: Eddagala ly'oku kyalo

Eddagala erigwa mu kiti kino ekyokubiri liba limanyiddwa nga ku kyalo kwe likozesebwa era nga lisobola n'okuba nga litundibwa. Bino bye birinnyonnyola:

(i) Libeera likozesebwa ku kyalo ng'abaakwo balimanyi mu nkozesa ne bye lijjanjaba.

(ii) Ebitabulwamu ebirikola bibeera bimanyiddwa mu kitundu gye likozesebwa era n'entabula/ennyenga yaalyo ebeera emanyiddwa ng'egoberera enkola z'ekinnansi.

(iii) Obwesige bwalyo okuwonya bubeera bugezeseddwa okumala ebbanga eriwerako (waakiri okusukka mu myaka nga kkumi).

(iv) Wabula ssinga eddagala mu kiti kino lireetebwa ku katale (okutundibwa), liteekeddwa okutuukiriza ebisaanyizo ebyetaagisa ebigobererwa mu kukkiriza eddagala lyonna ery'ekinnansi.**

1.5.3 Ekika 3 Eddagala ly'ekinnansi

1.5.3.1 Ekika 3A Erinoonyerezeddwaako nga Litabuddwa mu nkola ezitali za kikugu

Eddagala mu kiti kino likolebwa/livumbulwa okuyita mu kunoonyereza okutongole era bino bye birinnyonnyola:

(i) Livumbulwa okuyita mu kunoonyereza okwabulijjo okw'obuwangwa nti liwonya.

(ii) Ebitabulwamu ebipya, ekipimo ekiweebwa omulwadde, n'endwadde ze liwonya biba bizuuliddwa okusinziira ku kunoonyereza.

(iii) Lisobolwa okutabulirwa mu kifo ekyetongodde n'ebyuma ebitali bya kikugu nnyo.

(iv) Obwesige bwalyo mu kuwonya businziira ku byanoonyerezebwa mu nkola ez'ekikugu n'okusooka okugezesebwako mu malwaliro.

(v) Lisobola okukozesebwa ku ndwadde kwe likakasiddwa nti ze lisinga okukolako.

(vi) Wabula, ssinga lireetebwa ku katale (okutundibwa), liteekeddwa okutuukiriza ebisaanyizo ebyetaagisa ebigobererwa mu kukkiriza eddagala lyonna ery'ekinnansi.

1.5.3.3 Ekika 3B Erinoonyerezeddwaako nga Lirongooseddwaamu mu ngeri ey'ekikugu

Eddagala mu kiti kino likolebwa/livumbulwa okuyita mu kunoonyereza okutongole era bino bye birinnyonnyola:

(i). Livumbulwa okuyita mu kunoonyereza okwabulijjo okw'obuwangwa nti liwonya.
(ii). Ebitabulwamu ebipya, ekipimo ekiweebwa omulwadde, n'endwadde ze liwonya biba bizuuliddwa okusinziira ku kunoonyereza.
(iii) Lisobolwa okutabulirwa mu kifo ekyetongodde n'ebyuma eby'ekikugu.
(iv) Obwesige bwalyo mu kuwonya businziira ku byanoonyerezebwa mu nkola ez'ekikugu n'okusooka okugezesebwako mu malwaliro.
(v) Eddagala erigwa lisobola okuteekebwa ku katale (okutundibwa), ssinga liba lituukirizza ebisaanyizo ebyetaagisa ebigobererwa mu kukkiriza eddagala lyonna ery'ekinnansi.

1.5.3.4 EKIKA 4: Eddagala ly'ekinnansi eriyingiziddwa okuva ebweru

Lino ly'eddagala eriyingiziddwa mu ggwanga okuva ebweru era bino bye birinnyonnyola:
(i) Likolebwa/litabulirwa mu ggwanga ery'ebweru.
(ii) Liteekeddwa okuba nga lya kinnansi.
(iii) Lirina okuba nga lyawandiisibwa n'okukakasibwa mu ggwanga gye liva.
(iv) Liteekeddwa okuba nga lituukiriza ebisaanyizo ebifuga eddagala ly'ekinnansi eby'ekitongole kya National Drug Authority, Uganda. Amateeka agaluŋŋamya eddagala lino gyegali mu National Drug Authority era kino ekiti **tekiri** mu ebyo ebiragiddwa nga bifugibwa ebisaanyizo eby'awamu ebyetaagibwa.

ESSUULA EYOOKUBIRI: AMATEEKA KU NTABULA Y'EDDAGALA LY'EKINNANSI

2.1. ENNYANJULA EY'AWAMU

Obutafaananako na ddagala zzungu erikolebwa mu makolero g'eddagala nga beeyambisa ebintu ebikoleddwa okuva mu bintu eby'enjawulo nga beeyambisa engeri ezitali zimu, lyo eddagala ly'ekinnansi butereevu okuva mu bimera. Mu ngeri eyo, lisobola okuyingiramu ebicaafu n'okusaabululwa, sso nga lisoola okwawukana mu birungo ebirimu. Okukuuma omutindo okuva ku bikozesebwa mu ntandikwa, entereka n'entabula kikulu nnyo olw'obugazi bw'ensonga y'eddagala ly'ekinansi okutwaliza awamu.

2.2. OKULIMA N'OKUNOGA EBIMERA OKUVA EDDAGALA

1) Kyetaagisa ensimba/ennima y'ebimera n'ennoga y'eddagala ku bimera bino, nga bwe kiri nti gwe mutendera ogusooka ogw'eddagala, egoberere enkola ennuŋŋamu ey'ekitongole ky'Ebyobulamu eky'ensi yonna (WHO - Good Agricultural and Collection Practices - GACP for Medicinal Plants).
2) Okwegendereza okwamaanyi kulina okubaawo mu kunoga/kukungula eddagala lino mu ssamba z'ennimiro ennene.
3) Okugattika eddagala eritali lya kika kye kimu, kirina okwewalibwa mu kunoga/kukungula eddagala erigenda okutabulwa.
4) Mu kukungula n'okutambuza ebikunguddwa, omutindo gulina okukuumwa kuba ensobi yonna ekolebwa wano, ekosa eddagala erinaavaamu ng'okutabula kuwedde.
5) Ebikunguddwa ebigenda okukozesebwa mu kutabula birina okutikkulwa mu bwangu ssinga biba bituuse mu kifo awakolerwa eddagala.
6) Mu kukola bino byonna, ebikunguddwa okukolebwamu eddagala oba ebinogeddwa birina okukuumwa ne mutayingiramu ttaka.
7) Birina obutalekebwa mu musana (okuggyako mpozzi nga kirambikiddwa nti birina okusooka okukazibwa).
8) Birina okukuumwa enkuba n'etebikuba oba okuyingiramu ebintu eby'obutwa n'ebirikyafuwaza.

2.3. OBUYONJO

Olw'okukkuma eddagala nga terisaabuluddwa obuwuka obusirikitu n'okulitangira eri obucaafu, kyetaagisa okukuuma omutindo gw'obuyonjo ogwa waggulu mu kutabula eddagala nga bwe kiragiddwa wammanga:

1) Amazzi galina okwegenderezebwa era we kyetaagisizza gafumbwe oba okuggyamu obuwuka mu ngeri endala yonna, kisobozese olubeerera okukuuma omutindo.

2) Mu kulongoosa eddagala, walina okubaawo obwegendereza mu ngeri ez'enjawulo ezikozesebwa okusinziira ku kika ky'eddagala.

3) **WEKKAANYE KINO:** Okwoza n'amazzi eddagala erimaze okukazibwa tekyetaagisa. Ssinga kiba kyetaagisizza okulirongoosa, awo ekyuma ekifuuwako enfuufu kye kiba kirina okukozesebwa okugiggyako.

4) Ebisigalira ne kacica mu kifo awatabulirwa eddagala birina okuyiibwayo mu ngeri esingayo okuba entuufu okusobola okukuuma obuyonjo obw'ekika ekya waggulu mu kifo kyonna awakolerwa. *Wano tukujuliza osome amateeka ga Bulaaya agakwata ku nsonga eno agamanyiddwa nga 'European market for Medicinal Plants and Extracts'.*

Obuyonjo bw'abakola ku ddagala

Abantu abakwata ku ddagala okuva kw'abo abalikolako nga terinnatabulwa, abalitabula, n'abalivunaanyizibwako nga liwedde okutabulwa bateekeddwa okukuuma n'okubeera abayonjo ennyo.

1) Balina okuba nga baasomesebwa ekyetaagisa ku bikwata ku buyonjo bwe balina okuba nabwo okukola mu ddagala.

2) Tebalina kuba na ndwadde ezisobola okubavaako ne zikwata abalala, n'ezo ez'olususu.

3) Amateeka amalambulukufu agagobererwa n'ebyokulabirako ebitegeerekeka obulungi (Standard Operating Procedures - SOPs) gateekeddwa okubaawo nga buli mukozi agamanyi.

4) Abakozi bateekeddwa okutangirwa eri ebintu ebimu eby'obulabe eri obulamu bwabwe n'ebimera bye bakolamu ebiyinza okubayisa obubi. Bateekeddwa okwambala ebintu ebibakuuma obutafuna bulabe obw'engeri eno.

5) Balina okwambala enkampa (giraavuzi), ebibikka ku mitwe, obubikka ku nnyindo n'omumwa, ettaawo omukolerwa n'engatto mu mitendera gyonna okuva ku gw'okulima ebirime okuva eddagala ly'ekinnansi okutuusa okulitabula lwe kuggwa.

2.4. EKIFO AWATABULIRWA EDDAGALA

2.4.1. Ekifo ekitongole

Ekifo/ekizimbe awatabulirwa eddagala kirina okuzimbwa mu kitundu, okutegekebwa, okubeera mu mbeera n'okussibwamu buli kyeyambisibwa ssaako okukuumwa obulungi nga

kituukana n'omulimu ogugenda okukolerwamu. Pulaani y'enzimba yaakyo erina okuba ng'ekoleddwa mu ngeri y'okwerinda ebizibu atenga kisobola okulongoosebwa okwewala ate obucaafu obulimu okuyingira mu ddagala eppya mu ngeri y'okuyingiza enfuufu oba omunyale n'ebisaaniiko, ekikosa omutindo gw'eddagala eritabulirwawo. Amateeka gano gayinza obutakugira kifo kubeera kya bugazi obw'engeri yonna ssaako omuwendo gw'obusenge mu kizimbe awatabulirwa eddagala naye ebifo bino birina okubaako era nga bizimbiddwa bulungi; sitoowa omuterekebwa eddagala, awateekebwa ebintu eby'obulabe, ssaako we bakolera n'awaanikibwa eddagala eriteetaaga kwanikibwa butereevu mu musana nga terinnaba kutabulwa. Okwongereza kw'ebyo:

1) Ekifo awakolerwa kirina okubeera mu mbeera etetaataaganyizibwa ate nga kizibu n'obukyafu okumala gayingiramu okwonoona eddagala.

2) Ekifo awatabulirwa eddagala kirina okuzimbibwa ku pulaani esobola okukuumirawo omutindo omulungi mu byobuyonjo.

3) Ekifo kirina okulabirirwa n'okuddaabirizibwa mu ngeri etetaataaganya mutindo gwa ddagala. Kirina okuyonjebwa, era newe kyetaagisirizza kifuuyirwe eddagala eritta obuwuka okusinziira ku mitendera emiwandiike egirina okugobererwa.

4) Mulina okubaamu amasannyalaze, sso ng'ettaala, ebbugumu, empewo n'obumooli obugiyingiza birina okubeera mu mbeera ennungi nga tebikosa butereevu oba mu butali butereevu ddagala mu kulitabula, okulitereka oba okulemesa ebikozesebwa okukola mu butuufu bwabyo.

5) Ekifo kirina okuzimbibwa mu ngeri etekkiriza biwuka oba ebisolo ebirala okuyingiramu.

2.4.2. Ebifo ebirala

1) Ekifo awawummulirwa n'awali ebyokulya n'okunywa birina okwawulwa ku birala. Mulina okubaamu amazzi amayonjo era nga temufuuyirwa ssigala, taaba oba ekintu ekirala kyonna.

2) Kulina okubaako ebifo awambalirwa/we bakyusiriza engoye ne we bazitereka ate we booleza ne kaabuyonjo walina okuba nga watuukika mangu era nga wasobola okweyambisibwa abantu abawerako. Kaabuyonjo tezirina kuwunyirira bali mu kifo ekitabulirwamu oba omuterekwa eddagala. Zirina okubaamu amazzi, sabbuuni n'ebikaza engalo.

3) Ebifo omuddaabirizibwa ebikozesebwa birina okwawulwa ku bifo awatabulirwa eddagala. Ssinga ebikozesebwa biba birina okuterekebwa mu kifo awakolerwa, birina okuweebwa obusenge oba kkabada ezaabikolerwa.

4) Ebiyumba omukuumirwa ebisolo birina okuwawulwa ku bifo ebirala nga birina omuklyango ogwabyo ogw'enjawulo nga biyingiza n'empewo bulungi.

2.4.3. Ebifo awaterekebwa eddagala n'ebikozesebwa

1) Ebifo omuterekebwa birina okuba ebigazi ekimala okusobola okugyamu obulungi ebikozesebwa eby'enjawulo n'eddagala okuli; awaterekebwa eddagala n'ebikozesebwa mu kulipakira, aw'eddagala erikyatabulwa, eddagala eriwedde okutabulwa mu bungi, eddagala eririko obulabe, lye balinze okutwala, erigaaniddwa, lye bakomezzaawo oba lye baggye mu katale.

2) Sitoowa zirina okuba mu mbeera ennungi esobozesa ebintu okuterekebwamu nga tebifunye buzibu. Ebifo bino birina okuba ebiyonjo nga bikalu (si bitobu) era nga biri mu mbeera y'ebbugumu erisaanidde, ate nga bikeberwa n'okukuumibwa

3) Awatuukirwa ne we baweerereza eddagala walina okuba nga wakuuma ebintu obulungi awatali kukosebwa mbeera ya budde. N'ebipipa omuterekebwa birina okwozebwa/okulongoosebwa bwe kiba kyetaagisizza ssinga muba temunnassibwamu kintu kyonna.

4) Ebiterekebwa ng'eddagala ery'obulabe oba eritalina kugenda mu bantu birina okuteekebwa mu kifo eky'enjawulo ne kirambibwa bulungi era nga tewayingirwa bakozi batakkirizibwayo. Mu kukyusa eddagala lino, walina okubaawo okwerinda okwetaagisa.

5) Ekifo we bakeberera 'sampolo' oba we bagezesereza omutindo gw'eddagala kirina okwawulwa. Okugezesa bwe kuba kukolerwa awatabulirwa eddagala, kulina okukolebwa nga tekuyingirira birala bikolebwawo, okubicaafuwaza oba okubisaabulula.

6) Ebifo eby'enjawulo birina okuteekebwawo omugenda ebikozesebwa oba eddagala erigaaniddwa, lye bakomezzaawo oba lye baggye mu katale.

7) Ebintu ebikolerawo amangu omuli ebitamiiza n'eddagala ery'obulabe n'ebintu ebirala ebiyinza okukoleera amangu n'omuliro, okutamiiza, oba okutulika birina okukuumwa obulungi mu kifo ekyenjawulo.

8) Ebipapula omupakirwa eddagala n'ebintu ebirala bikulu nnyo eri omutindo gwalyo era birina okuterekebwa obulungi mu kifo ekirungi.

2.4.4. Awapimirwa eddagala (wayinza okuba we batereka oba awatabulirwa eddagala)

• Okupima eddagala eriba terinnatabulwa n'okubala eriba linogeddwa birina okukolerwa mu bifo ebyeyawudde ebyateekebwawo olw'omulimu ogwo, okugeza ebyo omusobola okwerebwa enfuufu n'ebisaaniiko.

2.4.5. Awatabulirwa/awakolerwa eddagala.

1) Olw'okwewala eddagala okusaabululwa, ebifo awatabulirwa eddagala ly'ekinnansi omuli buli ekyetaagisa birina okuzimbibwa.

2) Okutabula ebintu ebirala gamba ng'eddagala eritta obuwuka, obusimu, eddagala ezzungu eririna amaanyi amangi, tebirina kukolebwa mu kifo kye kimu.

3) Okutabula obutwa gamba ng'obutta ebiwuka n'omuddo tekirina kukolerwa mu kifo omutabulirwa eddgala ly'ekinnansi.

4) Okugattika emirimu gyonna okukolerwa mu kifo ekimu kikkirizibwa kyokka nga wateekeddwa okubaawo obwegendereza.

5) Wateekeddwa okubaawo embeera esobozesa buli mulimu okukwatagana amangu ne gunnaagwo nga bwe gigoberegana era nga kikolebwa mu buyonjo obw'ekika ekya waggulu.

6) Ebyeyambisibwa mu kifo awakolerwa n'awaterekebwa ebintu munda walina okuba nga wasengekeddwa mu mitendera egigoberegana waleme kubaawo kutabulwatabulwa,

oba okubuuka ogumu ku mitendera oba okutabulamu ekintu ekikyamu ekitali kya mutendera ogwo mu kutabula eddagala.

7) Ssinga eddagala eriba litannatabulwa, ebipakirwamu eddagala eritannaggwa n'ebyeyambisibwa wakati mu kutabula eddagala biba bikoona ku bisenge, biri wansi oba bikoona ku siiringi waggulu, ebyo bye byekoonako tebirina kubaamu njatika ziyingiza kintu kiva wabweru ate nga tebifuumuulira wadde okugatta obucaafu mu ddagala. Walina okuba nga wasobola okulongoosebwa n'okufuuyirwa okutta obuwuka we kyetaagisirizza.

8) Payipu, waya z'amataala, obumoolin n'ebirala birina okukolebwa nga tebissaamu mpataanya ziremesa kulongoosaamu. Ekisoboka kikolebwe, okulaba ng'ekifo kisobola okuddaabirizibwa ng'oli asinziira wabweru w'ekifo omutabulirwa eddagala.

9) Emikutu egifulumya amazzi girina okubeera ne sayizi ey'ekigero ekyetaagisa ate nga tegisobola kuzza mazzi. Emikutu, payipu ezitwala amazzi tezirina kuba mbikkule naye bwe giba mibikkule, girina okuba emimpi okusobola okulongoosebwa obulungi.

10) Ekifo awatabulirwa eddagala kirina okuba n'empewo ssaako ebbugumu eby'ekigero okusinziira ku bwetaavu bw'ekika ky'eddagala ekiba kikolwako, emirimu egikolerwamu, n'okugeraageranya ku mbeera y'ebweru w'ekifo bw'eri. Ebireeta empewo n'ebbugumu birina okukeberwa buli kaseera wakati mu kutabula eddagala ne mu budde we litatabulirwa okukakasa nti buli kimu kiri bulungi.

11) We bapakirira eddagala ly'ekinnansi walina okwetongola okuva ku bifo ebirala era nga wazimbiddwa okuziyiza okutabulwatabulwa n'okusaabulukuka k'weddagala.

12) Awatabulirwa eddagala walina okubaawo ettaala emulisa obulungi naddala awo aweetaagisiriza okulaba obulungi ng'emirimu gigenda mu maaso.

2.4.6. Ekifo awakebererwa omutindo

1) 'Laabu' oba ekifo awagezeserezebwa/awakebererwa omutindo kirina okuba nga kyeyawudde okuva ku kifo awatabulirwa. Ebifo we bakolera okugezesa kw'ekikugu okw'ekinnassaayansi, awakebererwa obuntu obusirikitu, oba ebintu ebivaamu obutwa obw'obulabe, buli kimu kirina okuba nga kyeyawudde ku kinnaakyo.

2) 'Laabu' omugezeserezebwa omutindo zirina okuzimbibwa mu mbeera esobozesa emirimu gyamwo okukolebwa obulungi mu kifo ekigazi obulungi okwewala okutabulwatabulwa. Mulina okubaamu ekifo awaterekebwa 'sampulo', ebirabirwako omutindo (ate we kyetaagisirizza nga mulimu obunnyogovu obwetaagibwa) n'obulambe bwa buli kikeberebwa.

3) 'Laabu' zirina okuzimbibwa n'ebintu ebirungi ebiri ku mutindo ogwetaagibwa, okwewala ebikkakka okuyingiramu, n'empewo nga nnungi. Awakuumirwa omukka ogw'enjawulo n'ebintu ebigezesezebwa eby'ekinnassayansi, ebisirikitu n'eby'obutwa, walina okwawulwa.

4) Ekisenge eky'enjawulo kiyinza okuwetaagibwa okuterekamu ebikozesebwa bireme kuyingiramu maanyi ga masannyalaze, okukankana, amazzi n'ekintu ekirala ekiva ebweru.

2.5. EBIKOZESEBWA

Olw'okuba mu mitendera egiyitibwamu okutabula eddagala musobola okubaamu awafuumuukirwa enfuufu, ebiwuka n'obucaafu obulala obusobola okusaabulula eddagala, kiba kyetaagisa ebikozesebwa mu kutabula eddagala birongoosebwenga.

Okufuuwamu enfuufu oba okubyoza kusingako enkola endala. Ssinga biba bya kwozebwa, birina okukazibwa mbagirawo nga byakava mu mazzi okuziyiza obuwuka okuyingiramu.

Okufuuwamu omukka oba okusangula nga beeyambisa 'bulaasi' birina okukolebwa n'obwegendereza bireme kubikyafuwaza. Ebikozesebwa nga bibajjiddwa mu miti, birina okwewalibwa okuggyako nga kyetaagisizza mu nkola ey'obuwangwa gamba nga we bakozeseza ebinu, ensuwa, obubaawo, ebibya eby'endeku n'ebirala. Wabula eby'engeri eno ssinga biba bikozeseddwa, kya magezi obutabissaamu oba okubiteeka ku biragalalagala (chemicals) n'ekintu ekirala ekibicaafuwaza ate nga birina okulongoosebwa mu ngeri eyenjawulo kuba ssinga tekikolebwa, kibiviirako okuwunya obubi n'okukyusa langi nga bwebityo bisobola okutereka obucaafu.

2.6. EBYEYAMBISIBWA/EDDAGALA ERITANNATABULWA

Eddagala lyonna eritannatabulwa lirina okukuumwa mu kifo omutamala gakkirizibwa buli mukozi era ne literekebwa mu mbeera ezeetaagisa kuba eddagala ly'ekinnansi lisobola okwonooneka mu mitendera gino egy'okutabula.

2.7. EBIWANDIIKIBWA KU DDAGALA

Kino kizingiramu okukuuma ebiwandiiko ebyetaagisa okugobererwa mu kutabula n'okukozesa eddagala nga birina okubeera mu kifo we litabulirwa.

2.7.1. Ebigobererwa ku ddagala eritannatabulwa, mu kutabula ne ku ddagala ly'ekinnansi eriba liwedde okutabulwa

Ebiwandiikiddwa ku ddagala ly'ekinnansi eribeera litannatabulwa, mu kutabula ne bwe liba nga liwedde, bigendereddwaamu okukuuma omutindo gwalyo. Tebikola ku kika eky'engeri emu eky'eddagala ly'ekinnansi wabula birina okukolebwa okusinziira ku kika ekyo ekiba kitabulwa bwe kiba nga kye kiyamba mu kulikuuma nga ddamu era nga lijjanjaba bulungi.

Omutindo ogw'olubeerera ogw'eddagala eriwedde okutabulwa gusinziira ku bwe lyali nga terinnatabulwa. Awamu, obubaka obukwata ku nsonga eno bujja kuba bwetaagisa mu kulinoga/okuliggya mu nnimiro n'engeri gye lirimwamu.

Ebiwandiiko ku kimera okuva eddagala birina kubeera bwe nga biti wammanga:

1) Erinnya ly'ekimera ery'ekinnassaayansi nga kuliko ekitabo we liggiddwa (lirina okugoberezebwa ne satifikeeti erikakasa okuva mu kitongole kya National Herbarium)

2) Ebikwata ku ddagala gye lisibuka (eggwanga oba ekitundu gye lyava, ne we kyetaagisirizza engeri gye lirimwamu, we balinogera/balisimira mu ttaka, engeri y'okunogebwa/okusimwa, eddagala eritta obuwuka erikozesebwako, n'ebirala).

3) Ekitundu ky'ekimera ekiriko eddagala.

4) Engeri gye likazibwamu.

5) Ebinnyonnyola endabika y'ekimera okusinziira ku muntu bw'aliraba n'amaaso ge oba ng'akozesa ebyuma ebiraba obuntu obusirikitu.

6) Ebirungo ebirimu ebyetaagibwa ebyagezesebwa.

7) Ekiwandiiko ekirambuluddwa ekiraga, we kiba kyetaagisirizza, endwadde ekirime ze kijjanjaba.

8) Engeri obulwadde n'obuwuka obulya ekirime kino gye buyinza okulwanyisibwamu era kukoma wa.

9) Obulabe obuli mu kukozesa eddagala lino n'ebirala ebiyinza okuba nga bigattiddwaamu ebitali birungi.

10) Ebivudde mu kugezesa ebiraga obuwuka obusirikitu n'obutwa obuyinza okubaamu.

11) Engeri ez'enjawulo ezikozesebwa mu kutta obuwuka obusirikitu obw'obulabe n'obutwa obuyingidde mu kimera kino.

12) Ebigobererwa ng'eddagala terinnatabulwa n'engeri gye lirina okupakirwa nga terinnatabulwa nga waliwo ebijuliziddwaako ebsinziira ku mutindo gw'eddagala ogw'omulembe guno.

13) Ssinga eddagala eriba terinnatabulwa terituukana na mutindo oguba gwetaagisa bwe liba lya kuwonya bulwadde obw'engeri yonna, walina okubaawo ekiwandiiko eriraga amateeka agasinziirwako eddagala bwe liba lya kugaanibwa, entereka n'engeri gye lirina okusuulibwa.

2.7.1.1. Ebipimo (ddoozi) n'omutindo ogwetaagibwa

Bino birina okuwandiikibwa mu ngeri eno:

1. Ekimera ekivaako eddagala ly'ekinnansi:

(a) Obungi bw bwakyo buteekeddwa okulagibwa; oba

(b) Obungi bwakyo bulina okulagibwa mu miwendo emigeraageranye okusinziira ku maanyi gaalyo mu kuwonya.

Okugeza:

Erinnya ly'ekirungo mu bungi bwakyo

Sennae folium (a) 900 mg or (b) 830–1000 mg, kyenkanankana ne 25 mg eza

hydroxyanthracene glycosides, ne kibalwa nga sennoside B

2. Entabula y'eddagala erivudde ku kimera:

(a) Ekipimo ekirina okutabulwa nga kivudde ku kirime kirina okulagibwa (kino tekikola ku bisavusavu ebirimu); oba

(b) Ekipimo ekirina okutabulwa kisobola okulagibwa mu miwendo emigeraageranye okusinziira ku maanyi gaalyo mu kuwonya (laba ekyokulabirako).

Ebikozesebwa mu kutabula n'endabika y'eddagala ly'ennyini eriva ku kimera biteekeddwa okulagibwa.

Ssinga mubaamu ekintu ekirala kyonna ekigattiddwaamu mu kutabula nga kigendereddwaamu okukyusa eddagala okuva kw'ekyo ekimanyiddwa kye lijjanjaba, oba olw'ekigendererwa ekirala kyonna, ebigattiddwaamu birina okulangibwa nga "ebirungo ebirala ebitabuddwaamu" ate ekirungo ekituufu ne kiragibwa nga "ekirungo ekikulu". Okugeza*:*

Erinnya ly'ekirungo mu bungi bwakyo

Sennae folium (a) 125 mg ethanolic extract (8: 1) or 125 mg ethanolic extract,

Kyenkanankana ne 1000 mg eza Sennae folium or (b) 100–130 mg ethanolic extract (8 : 1), ekyenkana ne 25 mg eza hydroxyanthracene glycosides, ne kibalwa nga sennoside B

Ekirungo ekirala ekitabuddwaamu

Dextrose 20–50 mg

2.7.2. Ebyawula eddagala ly'ekinnansi erimaze okukolebwa

1. Okukola okugezesa ku bintu eby'obulabe ebyetabudde mu kimera

2. Obuzito nga bufaanagana (ku mpeke, eddagala lya doozi emu ery'ensaano, ery'okusonsekebwa, ery'amajaani nga liri mu ssaketi oba empeke n'ebirala), obudde bwe litwala okwekutulakutalamu (ku mpeke, kapiso, ezisonsekebwa ne ku piiru), obugumu

n’obwangu bw’empeke okugifuula ey’ensaano (okugeza ku mpeke ezitaliiko lububi luwoomerera), obukwafu (ku mmazzi ag’okungulu ne munda), okudding’ana (okuteekateeka kw’ebyo ebiri wakati w’amazzi n’ebyekutte), okwemulungula (ku mpeke ne kapiso) bwe kiba kisoboka.

3. Endabika yaabyo nga mu langi, akawoowo, enkula, obunene n’empulikika.

4. Okukala kwakyo oba amazzi agalimu

5. Noonya okugezesa, obulungi bw’ebirungo ebiri mu kimera (okugeza ng’okozesa ekinkumu ky’engalo)

6. Okupima obungi obulina obukeebra mu kirungo singa buba buzuuliddwa ng’ate enkola z’okunnyonnyola weeziri

7. Kendeeza okukebera ebisingejeddwa nga bisobola okwetabula

Enkola y’okukendeeza okukebera eddalagala eriwedde erina okubeera nga yeeyo ekkirizisa obungi ate obulungi bw’ebirungi obulimu. Singa enkola y’okuwona emanyiddwa, kino kirina okulagibwa ate nga kyesigamiziddwa ku bungi. Kino bwe kiba tekisoboka, okwawulwa kulina okukolebwa nga kwesigamizibwa ku baakikola.

Singa eddagala eriwedde oba eryo eritegekebwa mulimu ebimera eby’enjawulo ng’ate okukozesa obungi mu buli kikolo tekigenda kusoboka, okukikolera awamu ng’okozesa ebirungo ebiwerako eby’enjawulo biyinza okumanyibwa.Obwetaavu bw’enkola eno, bulina okukakasibwa.

2.7.3 Ebyawula enkola y’eddagala ly’ekinnansi

Ebyawula enkola y’eddagala ly’ekinnansi bizingiramu ebintu ebirikwatako ebyawula eddagala erikozesebwa ku ddagala eriwedde okukola nga bwe bikuweereddwa waggulu.

2.7.4 Ebigobererwa nga likolebwa

Ebigobererwa mu kukola birina okulaga engeri ez’enjawulo ezikolebwa ku kimera okugesa ng’okwanika, okulikuba, okuliwewa n’okuteekamu ebbugumu eriba lyetaagisa mu kukuza n’enkola ezikozesebwa okwewala okutulwakutulwa.Endagiriro y’okuggyamu ebitali ddagala nayo erina okuweebwa.Ebigobererwa mu bujjuvu ku nkola okugesa ng’okufuuyira, ekozesebwa okukendeeza ku buwuka obuyinza okuliyingiramu, ng’ogasseeko enkola endala ezikozesebwa okumanya engeri eddagala gye lyonoonoddwa nayo erina okuweebwa.

Ng’oteekateeka okukamula ekimera, endagiriro zirina okulaga ebigenda okukozesebwa mu kulitabula, emirundi n’ebbugumu eryetaagisa nga lisogolebwa n’ebipimo byonna ebyetaagisa.

2.8 Obwannanyini

Okukola n'okufulumya eddagala ly'ekinnansi lyonna lirina okubeera wansi w'omuntu alivunaanyizibwako nga yatendekebwa mu engeri gye baalikolamu ate obulungi bwesigamwako ku bikolebwako, okutegeka okulikola n'eddagala erivaamu.

Abantu abalina okumanya mu kukola eddagala ly'ekinnansi bakkirizibwe okulikola kuba okumanya kwabwe kuba kwekkenenyezebwa ate nga kwassibwa mu buwandiike.

2.9 Ebiwandiiko ebyetaagisa n'okubizza obuggya

Olw'okuba lyetaagisa okukola bukozi, okuzza ebiwandiiko obuggya kirekeddwa mu bugenderevu mu bigobererwa bino. Naye we kyetaagisiza, amateeka ga National Drug Polic and Athority (GMP Regulations 2008) galina okwebuuzibwako

2.10 Okwemulugunya

Ekkolero lirina okuba n'enkola ku ngeri gye bakwatamu okwemulugunya kw'abantu okuva mu katale. Waliwo okwemulugunya kwa mirindu ebiri; Okwemulugunya ku ddagala n'engeri gye liyisizzaamu omuntu. Okwemulugunya ku bulungi bw'eddagala buyinza okuva ku ng'eri embi gye lyakolebwamu, engeri embi gye likolamu oba okugattamu ebintu ebitayamba.

1. Okwemulugunya kuno kulina okuteebwa mu buwandiike nga kunnyonnyola n'ebikuleetedde ne binoonyerezebwako bulungi. Walina okubaawo enkola ng'eri mu buwandiike eraga ekigenda okukolebwa.
2. Walina okubaawo ekitabo awawandiikibwa eddagala eriyinza okuleeta obuzibu (Adverse Drug Reactions). Okunoonyereza kulina okukolebwa okukakasa nti eddagala lino erireeta obuzibu liva ku nkola mbi oba naddala ekizibu kino kyawandiikibwako oba kipya nga kyetegerezebwa.
3. Ekitongole kya National Drug Authority kirina okutegeezebwa ku kwemulugunya kuno kisobozese okugamba abantu okukomya okulikozesa oba okukugira ku nsaasaanya ate n'ebiwandiiko birina okubeerawo okwekebejjebwa.

2.11 Okukomyawo eddagala

Enkola y'okulagira okukomyawo eddagala ekkyamu erina okwesigawa ku nkola za NDA ezigobererwa. Enkola ezassibwawo ezirina okugobererwa zirina okuteekebwamu ate ne zekkenenyezebwa ku ntereka y'eddagala eriggyiddwa mu katale nga lya bulabe ate ne literekebwa mu kifo ekirikuumu obulungi, nga bwe linoonyerezebwako.

2.12 Kontulakiti y'okukola n'okwekkanya

Singa kontulakiti erina okuweebwa ku kukola eddagala, ebizimbe birina okukeberebwa ate nga layisinsi evudde mu NDA. Kontalakiti erina okuba ng'esobola okulabwako amangu.

2.13 Okwekebera

Waakiri omuntu omu ku abo abali mu mulimu guno ng’ate ali ku ttiimu eyeekebejja alina okuba ng’alina ky’amanyi ku ddagala ly’ekinnansi.

2.14 Okutendekebwa

Kyandibadde kirungi omuntu eyeenyigira mu kukola eddagala n’okukuuma obulungi bwalyo okufuna okutendekebwa mu ekyo kye nnyini okugesa, mu by’okutabula eddagala, mu bya tekinologiya, okwawula ebimera, enkula y’ekimera, ebirungo ebikirimu, okumanya ku ddagala eriva mu bimera, obuyonjo, okumanya obuwuka obusirikitu obuli mu kimera n’okumanya kwonna okulala okwetaagisa (okugeza enkozesa y’eddagala ery’ekinnansi).

2.15 ENKOLA ENNUNGI MU KUKOLA EDDAGALA EDDUNGI

2.15.1 Ebyawamu

Walina okubaawo ofiisi ekola ku nsonga y’okufulumya eddagala eddungi are eno erina okuba nga yeetongodde ku offisi endala okukakasa nti eddagala eddungi lifulumizibwa buli kadde.

2.15.2 Ekizimbe:

Walina okubaawo ekizimbe ekiri ku bugazi obulungi nga kyakolebwa kuteekebwamu ddagala nga kirina bulungi obumooli n’amazzi.

2.15.3 Obwannannyini

1. Omuntu avunaanyizibwa ku ofiisi eno alina okuba n’ebiwandiiko ssaako n’obumanyirivu obumala.

2. Alina okuba ng’alina obumanyirivu mu kugaba eddagala oba okulitabula.

3. Ku bakolera awatono, omuntu alina okuba ng’alina ky’amanyi ku bya ssaayansi okugeza. Ng’alina dipulooma mu bireme, mu kutabula eddagala oba okulitunda.

2.15.4 Ebikozesebwa

Ekifo we bakolera eddagala kirina okuba nga kisobola okugeseza eritannakolebwa n’eryo eriwedde.Enkola eno ezingiramu abakola sirapu, ettabule n’eryekutte.

Kyetaagisa abo bonna abakola eddagala okuva mu nsaano oba abakola eddagala ly’ensaano lyonna okuba na bino; akuuma akakebera obukalu bw’ekirime, akuuma akabugumya n’ebyuma ebirala ebikozesebwa mu kwekebejja ekirime.

2.16. Ebiwandiiko

Ku biwandiiko by'okufulumya eddagala eddungi ate nga likikakasa, okukebera n'okukkiriza ebiwandiiko mu kulikola. Mu bino muzingiramu ebimu ku bino wammanga;

1. Ebigobererwa ng'okola eddagala (BMR)
2. Enkola egobererwa (SOPS)
3. Okulondobamu n'okugezesa ebigobererwa ku bitannakolebwa n'ebiwedde okukolebwa
4. Ebiwandiiko ebivudde ku kukebera n'okugezesa kwe bikolebwa nga baakamala okubyekenneenya.

2.17. EBIYITWAMU

2.17.1 Okulondobamu

Kino kirina okukolebwa ng'okakasa nti ebirondobeddwamu birina okuteekebwawo ne bye kenneenyezebwa

Ebirondolobeddwamu birina okuba nga bimala ate biterekebwe okukozesebwako mu maaso singa kiba kyetaagisizza ate era kiyamba singa enkyukakyuka eba ezzeewo mu langi n'akawoowo akagivaamu nga wayise ebbanga.

2.17.2 Okugezesa/ n'okwekenneenya

Singa awakolebwa eddagala lino tewabaawo busobozi bwekennenya bikozesebwa na bivuddemu, wateeka okuba nga byekkanyizibwako waakiri omuntu omu okuva bweru akola ku by'omutindo. Mu kino, enzikiriziganya eyatuukibwako n'omuntu alina okwekennenya ebintu erina okuweebwawo ng'ekimu ku byo ebirina okubaawo mu kwewandiisa.

Kkopi za satifikeeti ez'ekenneenya okuva mu bakugu ku bitannakolebwa n'ebyo ebiwaedde bijja kuterekebwa ofiisi ekola ku mutindo gw'eddagala.

ESSUULA EYOOKUSATU: EBYETAAGISA EBISOOKERWAKO MU KUWANDIISA EDDAGALA LY'EKINNANSI ERIGENDA OKUTEEKEBWA MU KATALE OBA ERY'OKUTUNDIBWA

3.1.1 Ebikwata ku ddagala erikoleddwa

Ebikwata ku ddagala erikoleddwa birina okubaawo nga liwandiisibwa;

1. Erinnya ly'eddagala
2. Erinnya ly'ekirime mwe lisinze okuggyibwa
3. Ebiriraga
4. Engeri gye lyakolebwamu okugeza; lya kikoola, kunywa, mpeke,
5. Doozi yaabyo mu mpeke, ensaano, lyakusiiga, kapiso
6. Amaanyi ga doozi mu ngeri gy'oba ogimuweereddemu bw'ekiba kyetaagisa.
7. Ebyeyambisiddwa mu kuligatta awamu; sitaaci, omubissi gw'enjuki, emmumbwa
8. Ebibi ebiyinza okuva mu kulikozesa
9. Engeri gy'eterekebwamu na ddi lwe liggwaako
10. Obuzito n'obunene bw'erisabikiddwa
11. Erinnya n'endagiriro y'alikoze

3.1.2 Ekiwandiiko ku ky'avumbulwa

Ekiwandiiko ku ky'avumbulwa kijja kwetaagisa era kirina okuweebwa NDA
I Singa eddagala liba nga bw'olikozesa lyandikukola bubi oba ng'okukozesa eddagala lino terimannyiddwa bulungi mu Uganda
Ii Ebiri mu ddagala lino bimanyiddwa.

3.1.3 Amannya ag'enjawulo agaweebwa ekimera

Gano galina okusinziira ku kika ky'ekimera n'obuzaale bwakyo sinnakindi n'ebika eby'enjawulo birina okutegeezebwa ku kimera (kuba y'ensibuko y'eddagala) era birina okulagibwa. Singa ekika ky'ekimera ekya ssaayansi tekiragibwa, erinnya lyakyo mu lulimu olunnansi liteekebweko okuligatta ku eryo eryaweebwa ekimera ate nga lino lirina okukakasibwa ekibiina ky'eddagala ery'ekinnansi.

3.1.4 Ebyetaagisa ebisookerwako ku bukuumi n'ebisuubirwamu

I Obukuumi

a) Amannya g'ekimera ag'enjawulo

Erinnya mu nkula y'ekimera, ery'ekinnansi ne famire mwe kiva

b) Ebikikwatako nga binoonyerezeddwaako

i. Ebikikwatako nga byesigamizibwa ku bulungi bwakyo n'ebikisuubirwamu

ii. Ebiwandiiko ebikakasa obudde bwe kitwala nga likozesebwa nabyo birina okuteekebwako essira okugezesa obulungi bwalyo. Okunoonyereza ku bubi bwalyo, ebiwandiiko byalyo bwe limaze nga teriraga bubi bwalyo obuli mu kulikozesa

c) Okunoonyereza ku bubi bw'eddagala

Singa eddagala liba likozeseddwa mu kinnansi nga tewali bulabe, tewajja kuteekebwawo bukwakkuluzo kulifulumya okuggyako nga waliwo ekikakasa okupya okulaga nti ddala kyetaagisa okuddamu okulyekebejja.

i) Singa obubi bwalyo bumanyibwa, kya tteeka nti okulinyoorezeaako kulina okukolebwa era ebikuvuddemu ne biteekebwa mu biwandiiko ne biweebwayo eri ekitongole ekikola ku by'obulungi bw'eddagala.

ii) Obubi bw'eddagala bulina okuweebwayo singa okulikozesa okumala ebbanga eppanvu tekuli mu biwandiiko oba nga teribuusibwabuusibwa ku bulungi bwalyo.

iii) Singa tewali kiwandiiko kiraga bubi buyinza kulivaamu ng'olikozesezza si kya nkomeredde nti ekika ky'eddagala eryo lirungi okukozesa, n'olwekyo lirina okwekebejjebwa.

iv) Eddagala eryetaaga okwekebejjebwa okw'amaanyi okukakasa nti si lya butwa lirina okuweebwayo mu lipooti

v) Okuligeseza muzingiramu: (Bijja kwesigamizibwa ku birina okugobererwa ekitongole ky'ensi yonna eky'ebyobulamu ekya WHO), Ery'obulabe obungi, obulabe bwayo ku busimo bw'omubiri (nti liyinza okukuleetera alaje), obulabe bwalyo obuyinza okuvaamu omuntu okulwala kkansa n'eryo eriyinza okuleeta obuzibu ku kuzaala kw'omuntu singa liba likozeseddwa ebbanga eppanvu

d) **Ekipimo ky'eddagala;** Ekipimo ky'eddagala okuligeraageranya ku ndwadde gye ligenda okuwonya. Obungi okusinziira ku myaka birina okulagibwa.

e) **Olipimira mu kikula ki** okugeza; ly'amazzi, lya mpeke, lya bizigo, lya nsaano, kapiso n'ebirala.

f) **Bye liyinza okukuleetera ng'olikozesa**; Ebimu ku bye liyinza okukuleetera ng'ate si bye wali weetaaga singa oba olikozesezza nga bw'olaba nti omuntu ayinza okufuna kanzunzi ng'akozesezza eddagala eriziyiza omusujja.

g) **Okukugira obutalikozesa**: Singa wabaawo embeera ng'omuntu talina kukozesa ddagala eryo oba ng'okuligoberera kya bulabe kirina okulagibwa

h) **Okulabula;** Obulabe obuyinza okuvaako ng'olikozesa oba ng'omaze okulikozesa.

i) **Okugoberera;** Ebintu ebirina okugobererwa singa oli lubuto, mu kuyonsa, oba ng'akawago kalemereddwa n'ebirala singa oba oli mu kukozesa eddagala lino.

ii) Okukola ekyo kyennyini ekirisuubirwamu

Okusalawo ku nkola y'eddagala y'ekinnansi, ebintu bino wammanga birina okusaasaanyizibwa

a) Okukola ekirisuubirwamu

Eddagala okuziyiza, okuzuula n'okuwonya endwadde ezirabika n'ezitalabika, okuzuuka kw'obubonero bw'obulwadde ate era n'ebirungi ebirimu nga litereeza omubiri wamu n'obwongo bw'omuntu.

. Ebyataagisa okukakasa nti eddagala lyakukola ekirisuubirwamu

i) Ebigobererwa mu kulikozesa

ii) Abaalikozesaako nga bateekeddwa mu lipooti okuva ew'omukugu

iii) Obumanyirivu okuva mu b'eddagala ly'ekinnansi

iv) Obujuluzi okuva mu bantu abajjanjabiddwaako n'eddagala lino.

Okukakasa okuva mu basawo kulina okukolebwa singa okukozesa eddagala ly'ekinnansi kuba tekuteekeddwa mu buwandiike.Muno muzingiramu enkola empya ezivumbuddwa mu ly'ekinnansi mu birime naye nga tewali kkubo ddambulukufu likozeseddwa.

b) Ebirungo ebikola

i)Mu kukola eddagala ly'ekinnansi, ebipimo byawo birina okuba bye bimu okusubola okufuna ebirungo eby'omugaso

ii) Singa ebirungo ebisukka mu kimu bigenda kukozesebwa, ekimu ku birungo kirina okuba nga kye kigenda okwesigamwako. Naye ebirungo byonna ebiri mu ddagala birina okwogerwako

iii)Singa tekisobose kumenya birungo byonna byeyambisiddwa okukola eddagala, ekika kyonna eky'eddagala kijja kutwalibwa ng'ekirimu ekirungo ekimu.

c) Okukakasa ebiwandiiko ebiraga nti eddagala likola ekirisuubirwamu

Bino wammanga byakugobererwa

i) Olulimi lwa saayansi olukozesebwa luzzibwa obuggya abasawo abakugu.

ii) Okunnyonnyola ku ddagala engeri gye likoleddwaamu n'ebirungo byalyo n'ebiwandiiko ebirala byonna.

iii) Olulimu olukozeseddwa nga terumanyiddwa ne lipooti ku by'obuwangwa bw'abantu.

WEKKAANYE: Ebigobererwa mu kusoma ku ddagala ly'ekinnansi eby'ekitongole kya WHO mu ligyoni ya Afrika nabyo weebiri.

Ku ddagala ly'ekinnansi kulina okubaako ebintu bino wammanga

1 Erinnya ly'eddagala

2 Obungi bw'ebirungo ebikola ebikozeseddwa ng'elinnya ly'ekimera ekikozeseddwa liragibwa mu Lungereza. Singa eddagala livudde bweru wa ggwanga, erinnya ly'ekimera lirina okulagibwa n'ery'olulattini nalyo ne liweebwa.

3. Ekipimo kiri mu kika ki
4. Okuwonya
5. Ekipimo: Obungi n'obutono n'obw'ekigero mu doozi, bulina okulagibwa (Bwe kiba kyetaagisa, laga ekipimo ekiweebwa omwana n'omukadde).
6. Eriba lisukkiridde nalyo lirage
7. Obulabe bwalyo ku bantu abamu, okulabula, okuziyiza ery'obulabe n'ekwetabula kw'eddagala mu mubiri singa embeera bwe ziti zibaawo.
8. Ennaku z'omwezi gwe balikoledde
9. Ennaku z'omwezi gwe liggweerako
10. Okulaga ebikoleddwa awamu n'omuwendo gwalyo
11. Erinnya lya kkampuni erikozesa n'egy'esangibwa
12. Obukwakkulizo bw'okulitereka
13 Emmotoka yaalyo n'oludda olutuuzibwa wansi.

Ng'ekimu ku by'okwewandiisa, ebintu bino wammanga birina okuweebwayo:

3.2 Ebikwata ku bikozesebwa mu kukola eddagala

a) Okuyanjula ekimera oba ebimera

i) Okukyanjula: Erinnya lyakyo mu bujjuvu (famire mwe kiva, ebika, enkwaso n'ebirala)
ii) Ebimera ebifaanaganya amannya
iii) Amannya agakozesebwa mu lulimu olunnansi: Amannya ag'enjawulo agaweebwa ekimera mu nnimi z'ekinnansi ez'enjawulo.
iv) Engeri ekimera gye kisengekebwamu mu kitundu; Okulimibwa kwakyo n'engeri gye kisaasaanyizibwamu mu kitundu, oba nga kyayingizibwabuyizibwa

b) Ekitundu ky'ekimera ekikozeseddwa n'embeera gye kibaddemu

i) Endabika yaakyo okutwaliza awamu
ii) Okumanyika kwakyo ng'omuntu akozesezza okuwunyiriza, okukikwatako, okukiraba n'okuwooma kwakyo.
iii) Enkula yaakyo ekiteekesa mu kyuma okusobola okugyetegereza
iv) Ekirime ekiri mu nsaano

c) Okugigezesa okw'awamu

. Ebirungo ebikirimu eby'enjawulo n'obungi bwabyo

d) Okugezesa okw'obuwaze obukakasa nti tekitabanguddwaamu
i) Obuwuka obusirikitu obukirimu (nga E-coli, Aspergillus, Salmonella)
ii) Ebirungo bya ssaayinsi ebikirimu
iii) Engeri gye gikalamu
iv) Engeri gye kigejjamu (bwe kiba kyetaagisizza)

v) Ebirungo eby'amaanyi ebirimu (omuli Mercury be Lead)

vi) Okusigala kw’eddagala eritta obuwuka eryafuuyirwa ku kirime (bwe kiba kyetaagisizza)

vii) Okukosebwa kw’omusana (bwe kiba kyetaagisizza)

viii) N’okugezesa okukakasa nti tekitabuddwaamu

3.2.2 Ebimaze okukolebwa

1) Obungi n’omutindo oguli mu birungo ebikola

2) Obungi n’ebika ebikozeseddwa

3) Omutindo gw’ebirungo ebikola

4) Okunnyonyola engeri gye likoleddwaamu

5) Omutindo gwennyini ogw’eddagala eriwedde

6) Enkola ezikozeseddwa mu kulyekkenneenya

7) Okubeerawo kw’okunoonyereza

8) Layisinsi eyaweebwa ekkolero okuva mu National Drug Authority

9) Ensabika yaalyo

ESSUULA EYOOKUNA: LAYISINSI

4:1 **Okuwa layisinsi eri ekkolerero erikola eddagala ly'ekinnansi**

Layisinsi ejja kuweebwa eri abo abakola eddagala ly'ekinnansi eneekakasa nti eddagala lyakufulumizibwa wansi w'amateeka g'ekitongole kya NDA

4:2 **Layisinsi eri ebifo ebitunda eddagala ly'ekinnansi**

Ebifo ebitunda eddagala ly'ekinnansi byakulambulwanga era baakugoberera ebiragiro bya NDA era asaba oku;itunda alina okugenda ku biki ebyetaagisa ebyateekebwawo aba NDA

4.3Ekifo

Ebifo byonna awatundwa, awategekerwa, awaterekebwa n'awateekebwa eddagala ku katale birina okuba nga;

1) Nga byazimbibwa mu bintu eby'olubeerera
2) Okuba ebigazi obulungi ng'ebirimu tebyenyiga (okugeza ku 8-10m2)
3) Okubaamu n'amasa agalaga eddagala eritundibwa ne kawunta
4) Nga bizimbiddwa bulungi nga bisobola okuyonjebwa obulungi, okuddaabirizibwa n'ebintu ebirala ebirina okukikolebwako,
5) Okubaamu ekitangaala, obumooli ne ssiiringi nga mweri bulungi,
6) Nga kirina ekifo awagazi awateekebwa eddagala eriyiseeko, erifudde, eryaweebwa erinnya ekkyamu, ery'omutindo omubi oba eryo eriba lisabuukuluddwa
7) Kirina okukuumibwa nga kiyonjo ate nga kitegekeddwa bulungi
8) Kiri mu kifo ekirungi ekitasobola kutuukibwako kuliibwa biwuka, ebinyonyi oba ebiwuka eby'ebika eby'enjawulo
9) Walina okuba n'ekifo awanaabirwa engalo n'akagoye akakaza engalo
10) Ekifo tekirina kukozesebwa mu kintu kirala kyonna (oba ng'awasulwamu, okutungirwamu engoye n'ebirala)
    WEKKAANYE: Singa ekifo awatundibwa eddagala ly'ekinnansi wabeerawo akafo ak'enjawulo, kalina okulagibwa

4.3.1 Sitoowa

1. Abatunda eddagala ly'ekinnansi balina okuba ne sitoowa ezimala
2. Eddagala lyonna ery'ekinnansi lirina okuterekebwa mu bbugumu eryetaagisa ate era mu mbeera ennunfu okusinziira ku byetaago byalyo nga bwe liba liragiddwaako ku ngulu kwalyo
3. Singa tewali bukwakkulizo ku ly'okulitereka obwateekebwawo nga likolebwa, eddagala lirina okuteekebwa mu kipimo ky'ebbugumu ekiri wakatikkati (68-77c)
4. Ku ddagala eryetaagisa ebbugumu ery'okukendeeza, bwe kiba kiragiddwa bulungi, okusobola okukakasa ekirimanyisa, omutindo n'obulungi bwalyo tebutaataaganyiziddwa, waliwo okubaawo ekifo we literekebwa nga kinnyogovu bulungi
5. Ekifo we literekebwa kirina okuba nga kyazimbibwa bulungi nga kiriko obumooli ate nga tewali mwagaanya gwa biwuka we biyita kulituukako n'ebisolosolo ebirala n'emmese
6. Eddagala teririna kuteekebwa wansi wabula ku bitundu ebitudde ku ttaka

4.3.2 Ensabika y'emikebe

a) Eddagala ly'ekinnansi lirina okuteekebwa mu mikebe egisaanidde
b) Eddagala terikkirizibwa kuteekebwa mu mikebe gikozeeko (okugeza; okulonda obucupa bw'amazzi n'obukozesa mu kupakira eddagala ly'ekinnansi n'olitunda)

4.4 Okukuuma ebiwandiiko

Abasaasaanya eddagala ly'ekinnansi balina okukola n'okukuuma olukalala ate era ne bakola n'ebiwandiiko ebyekuusa ku lisiiti z'okutunda oba okusaasaanya eddagala lino. Ebiwandiiko bino birina okubaamu ebintu bino wammanga;

a) Ebikwata ku ddagala nga muno muzingiramu
   . Ekifo eddagala lino we liggyibwa nga kuliko erinnya n'endagiriro ery'omutunzi oba alikyusizza.
   . Ennaku z'omwezi kw'aligulidde
   . Erinnya n'obungi bw'eddagala erifuniddwa
   . Ennamba z'eddagala eryakolebwa awamu ssaako n'ennaku z'omwezi kwe ligenda okuba nga terikyakola.
   . Ennaku z'omwezi eziri ku lisiiti.

b) Ku abo abatunda mu bungi oba abaliggya ebweru w'eggwanga, endagiriro ly'abalikola erina okulagibwa.
c) Singa eddagala lino oba okukola kwalyo kutundibwa oba ne kusaasaanyizibwa awalala, ebiwandiiko birina okulaga ebintu bino;
   . Ennaku z'omwezi kwe lyafulumizibwa
   . Omuntu aweereddwa eddagala
   . Erinnya ly'eddagala
   . Obungi obumuweereddwa.
   . Ennamba ly'eddagala eryakolebwa awamu

4.5 Abantu abavunaanyizibwa

Abasaasanya eddagala ly'ekinnansi oba abatunzi baalyo balina okulaga omuntu avunaanyizibwa ku kulitunda.Abantu bano balina okuba n'okumanya ku ddagala lino

era nga basobola okuwa amagezi ag'ekikugu ageetaagisa eri bakasitoma oba abalwadde.

. Avunaanyizibwa alina okuba nga yeewandiisa mu b'eddagala ly'ekinnansi ng'alina obukugu mu by'obusawo oba mu kiti kyonna ekirikwatako, era nga basobola okukakasa obukugu babwe.

5.**6 Eddagala ly'ekinnansi**

Eddagala lyonna lirina okuba nga lyawandiisibwa oba nga lyakakasibwa aba NDA.

ESSUULA EYOOKUTAANO : OKUTUMBULA EDDAGALA OBA OKULANGA EDDAGALA LY'EKINNANSI

Olina okumanya nti ekimu ku byetaagisa ng'okutumbula ebintu byonna ebyekuusa ku ddagala ly'ekinnansi, birina okuweebwayo eri NDA okwetegerezebwa era ne bikakasibwa nga tebinnafulumizibwa.

5.1.1 Akatundu kano kagenda eri abo;

1) Abavunaanyizibwa ku ddagala ly'ekinnansi

2) Abakozi b'eddagala ly'ekinnansi n'ebitongole eby'enjawulo eby'eddagala ly'ekinnansi

3) Abo bonna abakola eddagala ly'ekinnansi

4) Abamawulire bonna

5) Abayingiza n'abafulumya eddagala ly'ekinnansi

6) Abatunda eddagala ly'ekinnansi okugeza bannyiniryo ne badayirekita

7) Bakitunzi/ n'abanoonyeza eddagala ly'ekinnansi akatale

8) Ab'eddagala ly'ekinnansi oba omuntu eyandiyagadde abantu bamanye we basangibwa oba n'ekizimbe kyabwe.

5.1.2 Bigenda eri ku bintu ebikola ku byakitunzi byonna (PM) ebizingiramu ebimu ku bino wammanga naye nga si bye byokka

1) Eddoboozi mu kika kyonna, ekirabika oba ekiwandiikiddwa nga kiruubiriddwaamu okufulumizibwa mu mawulire

2) Ekintu kyonna ekiwandiikiddwa nga kyogera ku kkampuni z'e ddagala ly'ekinnansi

3) Pulogulaamu z'okwogera ku leediyo oba ku ttivvi

4) Okuba siponsa w'eddagala ly'ekinnansi, enkiiko ezitumbula eddagala ly'ekinnansi

5) Okuba siponsa ku pulogulaamu za ttivvi ng'amawulire, ez'ebyobulamu/ezisanyuza

5.1.3 Akatundu kano kaakukwataka ku bintu bino wammanga

1) Eddagala ly'ekinnansi

2) Eddagala erikozesebwa mu bitundu nga lya likinnansi n'eby'okwekolako eby'ekinnansi.

3) Ebyokulya ebikoloddwa mu ddagala ly'ekinnansi

WEKKANYE: Ekitongole kya National Drug Authority kyakwetegereza obubaka bw'eddagala ly'ekinnansi n'obulango bwonna ka bube obwo obuva mu misitule y'ebyobulamu. Ebigobererwa tebijja kukwata kunkola okugeza ezikukozesa ng'ez'okukozesa ebigere, amatu n'engalo okujjanjaba obulwadde (reflexology), enkola z'okukozesa empiso okukola masaagi mu mubiri (acupuncture), okukkiririza mu mizumu okuwonya oba enkola ez'ekinnansi endala n'ebirala.

5.2 OKUSABA OKULANGA

1) Okusaba kwonna kw'okulanga eddagala ly'ekinnansi kwakukolebwanga abakola eddagala lino eri aba abavunaanyizibwako nga kuli mu buwandiike.

2) Ebbaluwa yaakuweerezebwa ku ndagiriro zino;

The Executive Secretary/Registrar,

National Drug Authority,

Plot No.46.48, Lumumba Avenue

P.O Box 23096

KAMPALA

OFIISI EZIRI MU BITUNDU BY'EGGWANGA EBY'ENJAWULO

Abasaba okuva mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo basobola okuweereza okusaba kwabwe nga bakuyisa mu ofiisi z'ekitongole kya National Drug Authority eziri mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo oba ofiisi ez'ebyobulamu eziri ku disitulikiti.

NDA South Western Region

National Drug Authority,

House 29 Mbaguta Estate, Kamukuzi

P O. Box 1886

Telephone 0485-21088

MBARARA-UGANDA

NDA Northern Region Office LIRA

Erute Road

P.O. Box 235

Telephone/Fax: 04734-20562

LIRA

NDA South Eastern Region

Plot 19 Stanley Road,

P.O. Box 1710

Telephone 0434-122176

JINJA.

NDA Eastern Region Office

South Bukedi Cooperative Building,

Plot no 6 Busia Road,

Tel: 0454445195

TORORO

NDA Central Region,

Plot no. 1-2 Jinja Road

Premier Complex Building, Nakawa,

P.O. Box 40082

Telephone 0312-261548

KAMPALA.

NDA Western Region Office

Muganwa Centre,

Plot no. 30 Old Tooro Road,

P.O. Box 192

Telephone 0465-40688

HOIMA

NDA West Nile Region

Plot 1, Mt. Wati Road, Anyafio,

ARUA.

3) Ebbaluwa esaba erina okulaga mu bujjuvu ebigenda okuba mu kalango okusobolwa okukeetegereza obulungi. Okugeza

a) Erinnya ly'eddagala ly'ekinnansi

b) Erinnya erikozesebwa (we lyetaagisizza)

c) Ebigenda okukozesebwa mu kukola kalango okugeza bigambo, posita, mijoozi, nsawo oba bbayiro

d) Obutambi bw'amaloboozi, teepu n'ebirala

e) Kkopi y'ebbaluwa eraga okuwandiisibwa kw'eddagala n'ennamba yaalyo

f) Singa wabaddewo okulizza obuggya, ennaku z'omwezi kwe linnaggweerako singa wabaawo okukyusa kw'akalango. Ebbaluwa kwe lyawandiisibwa/n'okujjukiza birina okuteekebwako.

5.3 OKWEKKENNEENYEZEBWA

Ataddeyo okusaba kwe ajja kugenda mu kwekkenneenyezebwa ab'akakiiko akakwatibwako aka National Drug Authority.

Wammanga y'ensasula y'okwekkenneenya naye yaakukyusibwangakyusibwa buli luvannyuma

Ebika by'ebikozesebwa	**Ekyokulabirako**	**Ebbeeyi buli mwaka**
. Ebiwandiikiddwa	Kalenda, ddayale, obutabo, ebyokulya n'ebirala	1.25 CP ku buli ddagala ku buli lulimu olukozeseddwa
. Obubaka bw'eddoboozi . Obwandiikiddwa ku mpapula	CD, teepu ne VCD	2.5 CP ku buli ddagala na ku buli lulimu olukozeseddwa
. Ebirabwako	Posita ku mmotoka, oba ebisiigiddwa ku bisenge	2.5 CP ku buli lulimu olukozeseddwa
. Ebyakagwirawo	Emijoozi, obukoofiira, emisipi	2.5 CP ku buli kika kya ddagala
. Okutegeka okutongoza oba olukiiko	Okutegeka ebyokwogera, okuyita abalala okwolesa bye bakola	2.5 CP ku buli mukolo
. Okwetaba mu mwoleso		2.5 buli mwaka
. Ebigwa tebiraze	Ku nguudo ebbali Okuba saponsa w'emikolo	2.5 ku buli lulaga 2.5 CP ku buli pamiti

CP mu buJjuvu kiri nti Curreny Point era buli emu erimu 20,000/- (Emitwalo ebiri egya Uganda)

5.4 EBYOKULABIRAKO OBA /SAMPOLO

1) Ebyokulabirako bibiri ebyolesebwa birina okuweebwayo mu kaseera k'okusaba
2) Ebyokulabirako byonna birina okubeera mu lulimi **OLUNGEREZA**. Ebyokulabirako ebitali mu Lungereza, asaba alina okuwaayo kkopi y'ekirango ekivvunuddwa mu Lungereza obulungi.

5.5 EBIRANGO EBY'EDDOBOOZI N'EBIRABIKA

1) Asaba alina okuwaayo akatambi akali ku CD/DVD/teepu, ekiwandiiko ku lupapula mu lulimi lw'eyagala kifulumizibwe.
2) Ekirango bwe kiba mu lulimu olw'ekinnansi, ekiwandiiko mu lulimi olwo lwe nnyini n'Olungereza kyakuweebwayo okwetegerezebwa
3) Asaba ajja kusooka asseeyo ebiwandiiko by'ekirango kye. Nga kimaze okwekennenyezebwa era ne kiyisibwa, asaba ajja kugenda mu maaso n'okukikolamu eddoboozi ng'agenda ku kiwandiiko kiri ekyekennenyezebwa nga takyusizzaamu kuva ku ekyo ekyayisibwa.Akatambi ka CD akavuddemu nako kakuweebwayo okwekenneenyezebwa n'okukakakasa ogusemba.
4) Ebirimu mu katambi k'eddoboozi tebirina kukyuka na biri mu buwandiike

5.6 ENNYONGEREZA

1) Kkopi bbiri ez'ebyo ebyongeddwaako okufulumizibwa nabyo byakuweebwayo
2) Asaba ajja kugendanga ne kkopi etali ku mpapula (esobola okukeberebwa ku kompyuta okugeza nga ku 'flash') singa wabaawo okwemulugunya kwonna

5.7 OKUFULUMYA EBIGENDA OKUKOZESEBWA MU KULANGA (PM)

. Ebikozesebwa mu kulanga byakwekennnenyezebwa nga tebinnakubibwa mu kyapa nga bingi.Bino bizingiramu ebyo byonna ebisuubirwa okukozesebwa mu kubifulumya oba okubisaasanya.

5.8 EMYOLESO/ENKIIKO/OKUTONGOZA

Bano baakuteegeeza ku NDA ebiruubirirwa byabwe eby'okwolesa era baakuteegeza byonna ebinaakolebwa mu myoleso,
Abategesi b'emikolo gino baakuwanganyo;

a) Olukalala lw'abagenda okwogera ne bye bagenda okwogera
b) Abagenda okwetabamu bwe babaayo
c) Ebigenda okukozesebwa mu kulanga (PM)
d) Pulogulaamu eyinza okugobererwa
e) Kkopi z'ebigenda okwogerwa n'olukalala lw'abaayitiddwa.

Byonna ebigenda okulangibwa mu nkiiko, emyoleso n'okutongoza birina okulagibwan'okuweebwayo.

5.8.1 Eddagala erirangibwa lirina okuba nga;

1) Nga teriri ku lukalala lusooka olw'ebbago lya NDP/A
2) Nga weeriri mu Uganda mu mateeka ate nga lyawandiisibwa oba nga lyategeezebwako mu NDA
3) Akalango tekalina kukontana n'abaggo lya tteeka akatundu nnamba 33 erya NDP/A

5.8.2 Ebiri mu kalango birina okuba nga

1) Bye sigamizibwako, bituufu, byesigika, bye biriwo, bisomesa ate nga bsobola okuggyayo amazima
2) Bye bimu n'ebyo ebyaweebwayo mu NDA ku ssaawa y'okwewandiisa
3) Byewala okuwa obubaka obubuzaabuza
4) Obulango tebulina kujubisa ate nga busobola okwetegerezebwa
5) Tebulina kuvvoola bya buwangwa bya wano

5.8.3 Ebiranga eddagala ly'ekinnansi/Akalango akaluubiriddwa okuyita abeegattako/ abakugu mu by'obulamu ab'enjawulo

1) Kalina okubaamu amannya g'eddagala mu bujjuvu agaakakasibwa NDA
2) Obubaka obusaasaanyizibwa bulina okwesigamizibwa ku kukakasibwa okwalagibwa ku ddoozi mu bbanga mwe bwalagibwa
3) Ebyokulabirako eby'obwereere biyinza okuweebwa ab'ebyobulamu singa biba bisabiddwa naye mu kipimo eky'ekigero.

5.8.4 Okulanga eddagala ly'ekinnansi okulyagazisa abantu bonna

1) Birina okuba bikwata ku ddagala eryo lyokka ery'oyo alanga
2) Tebirina kuba ng'ekigendererwa kyalyo kya kulyagazisa baana era ekirango tekirina kukozesa bifaananyi by'abaana mu kalanga

5.8.8 Okuyisa obulango bw'eddagala ly'ekinnansi

. Ekirango kyonna ekirimu ensobi ez'obulabe tekijja kuyisibwa okuggyako ng'ensobi ezo zigoloddwa

Ensobi zino zaakuzingiramu ezimu ku zino wammanga;

Ebigambo ebinnyonnyola okuwonya endwadde ezaagaanibwa okuli; *abatagenda mu nsonga, endwadde z'omutima eziva ku bukadde, akawago akalimu amayinja, endwadde z'amaaso kkansa, sukaali, endwadde ezirumba ennyindo omumiro n'olususu, ensimbu, endwadde z'omutima, akawago akalimu amayinja , dropsy, erysipelas, gallstones, glaucoma goiter, leprosy , locomotorataxy, lupus, nephritis, paralysis, pleurisy, pneumonia, poliomyelitis, scarlet fever, schistosomiasis, septicaemia, smallpox, tetanaasi, obulwadde bw'amaaso, akafuba.*

- Eddagala eririmu ebirungo ebigwa mu kiti kya A
- Eddagala ly'ekinnansi eritamanyiddwa oba eritakkkirizibwanga kitongole kya NDA.

Osobola okukebera ku katundu nnamba 33 (1) ne (2) ak'ebbago lya NDP/A n'akokutaano aka NDP1

EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA

1. **Okulanga**: Mu bigobererwa bino, akalango kaakutegeeza obubaka bwonna obuweebwa abantu mu bujjuvu bwabwo nga tebwekubiira nga bugendereddwaamu okumanyisa eddagala ly'ekinnansi, ebiri mu ddagala ly'ekinnansi eri abo abaagala okulikozesa oba okubeerawo kw'eddagala ly'ekinnansi n'ebiririmu.
2. **Okwongereza:** Ekiwandiiko kyonna ekiwandiikiddwa ku ddagala ly'ekinnansi oba ku kkampuni y'ekinnansi nga kigendereddwaamu okukifulumya mu mpapula z'amawulire oba obutabo
3. **Enkola y'ekinnansi:** Byonna ebikwata ku kumanya nga kusobola okunnyonyolwa oba nga tekusoboka, okukozesebwa mu kuvumbula obulwadde, okubuziyiza, okubuwonya ne buvaawo, mu bwongo nga bwesigamiziddwa ku nkola n'okwetegezezebwa eziva ku baana n'abazzuukulu mu buwandiike oba mu bigambo. Enkola z'ekinnansi zijja kulabirwa ku;
   Emponya y'ekinnansi, eddagala erivumbulwa buli kaseera, eddagala eryasangwawo, eddagala erifulumizibwa amawanga ag'enjawulo

4. **Eddagala ly'ekinnansi**

Eddagala ly'ekinnansi lizingiramu eryo erimaze okukolebwa, eriteekeddwaako ebirungo ery'ebimera ng'emirandira oba eby'omu ttakka oba ekitundu ky'ekimera kyonna oba erigattiddwa nga likolebwa mu kika kyonna. Ebimera ebikozeseddwa biyinza okubeera mu; mazzi, omuzigo, oba ekintu kyonna eky'obutonde. Eddagala ly'ekinnansi terijja kubaamu birungo birala okwongereza kw'ebyo ebikola Eddagala erikozesezza ebimera mu ku likola nga ligattiddwa wamu n'eryo eryakolebwa mu fakitole nga mulimu ebirungo eby'enjawuli terijja kutwalibwa ng'eddagala ly'ekinnansi.

Olw'obulungi bw'ebbago lya NDA ne ku lw'obulungi bwa Uganda, eddagala ly'ekinnansi lisobola okubaamu ebirungo ebiramu oba ebikola okugeza (okugeza bya layimu, ebbumba, eminnyo) ebitali kitundu kya kimera.

5. **Ekitundu ky'ekimera ekikozeseddwa**
   Ekitundu ky'ekimera (okugeza; emirandira, ebikoola, ebimuli, ensigo, omuti, obumui) oba ebivudde mu kimera ng'amazzi ebiggyiddwa mu nnimiro nga bigenda kukozesebwa ng'eddagala.

6. **Entegeka y'eddagala erivudde mu kitundu ky'ekimera**
   Ekitundu kyonna oba ekigatiddwa nga kikoleddwa mu ddoozi nga kigenda kusengejjebwa oba okukirongoosa.
7. **Eriwedde okukolebwa**
   Byonna ebitegekebwa ng'enkola zaabyo mu bya ssaayansi tezigattuluddwa kufuukamu birala.

8. **Okutumbula eddagala ly'ekinnansi:**
   Mu bigobererwa bino, okutumbula eddagala ly'ekinnansi kutegeeza kulimanyisa bantu balimanye ng'okozesa obulango bwonna mu byamawulire okuli leediyo, ttivvi, empapula z'amawulire, ebipande, ku mmotoka, okukozesa abasawo, okugaba eddagala ery'obwereere ng'eryokulabirako, okubeera saponsa wa pulogulaanu n'enkiiko endala, okukola emisomo ku byakitunzi, okulagibwa n'okusaasaanya ebivudde mu misomu egyo

9. **Eddagala eritwalibwa okuba ery'ekinnansi**

Enkola yonna ng’ebirungo ebikola tebitaataaganyiziddwa mu kimera ate nga byeyoleka. Tebiteekeddwa mu biragiddwa ng’era biziyizibwa.

10. Emmere eyongerezebwa

Ekyokulya kyonna ekiriibwa nga kirimu ebirungo nga bino bigendereddwaamu kwongereza ku kika ky’emmere eba eriiriddwa

WEKKAANYE BINO:

Ebikolwa byonna ebyokweraguza ku lw’okugendera ku mateeka g’ebbago lya NDA tebiteekeddwa mu nkola z’eddagala ly’ekinnansi.

WEKKAANYE

Abasaba bonna nga baagala okuba n’obwannanyini ku bintu bye bakola ng’omuntu omulala okukozesa, erinnya, logo, endabika y’eddagala lyabwe alina kusooka kubeebuuzaako bakubirizibwa okuba nga baabiwandiisa mu kitongole ekivunaanyizibwa ku bwannanyini bw’ekintu ekya Intellectual Property Registry ekiri ku ndagiriro eno:

UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU,
REGISTRA GENERAL.S OFFICE,
PLOT 5, GEORGE STREET,
AMAMU HOUSE 5TH FLOOR,
P.O.BOX 6848, KAMPALA.
TEL: NO. 0414-233218/9,
DIRECT LINE: TEL. NO. 0414-235915